# Gavumenti eweze eky'okuyisa buli muyizi mu pulayimale



Minisita Kaducu

Bya HENRY NSUBUGA

GAVUMENTI ng'eyita mu minisitule y'ebyenjigiriza n'emizannyo, yejjuludde n'ewera eky'amasomero ga pulayimale okuyisa buli muyizi n'abo ababa abanafu nga tebali ku mutindo gubasobozesa kweyongerayo mu bibiina birala.

"Okuyisa buli muyizi kikome mbagirawo, abayizi abagenda mu P7 balina okuba nga bali ku mutindo, si kumala gasindiikiriza busindiikiriza ate bamale bagwe PLE," Minisita omubeezi atwala ebyenjigiriza ebisookerwako, Dr. Joyce Moriku Kaducu bwe yategeezezza.

Dr. Kaducu yasinzidde mu nsisinkano n'abakulira amasomero ga Gavumenti aga pulayimale mu disitulikiti y'e Mukono wiiki ewedde ku St. Joseph Mixed Primary School e Naggalama mu Nakifuma-Naggalama TC. Ensisinkano eno yabadde ya kusala ntotto ku ngeri UPE bw'eyinza okwongera okuba ey'omugaso eri eggwanga. Ensisinkano yeetabiddwaamu omumyuka wa kkamisona Dr. Hajjati Safina Mutumba, omubaka wa pulezidenti owa Mukono, Hajjati Fatuma Ndisaba Nabitaka n'omumyukawe, Moses Muyambi, akulira abakozi ba Gavumenti mu disitulikiti y'e Mukono, Henry Ddamba, akulira ebyenjigiriza mu disitulikiti, Rashid Kikomeko, abalambuzi b'amasomero n'abalala.



Minisita Joyce Kaducu ng'ayogera eri abakulu b'amasomero e Mukono.

Dr. Kaducu yalaze okunyolwa n'agamba nti abayizi ababadde bagenda basindiikirizibwa, bebamu ku bakola omuwendo omunene ogw'abayizi abagwa PLE.

Amyuka kkamisona, Dr. Mutumba yannyonnyodde Minisita nti eky'okuyisa abayizi bonna kyali kiragiro ky'eyali Minisita w'ebyenjigiriza, Namirembe Bitamazire (omugenzi) nga yali ayagala abasomesa okukola ennyo balabe ng'abayizi bonna babasomesa ne bategeera era ne bayita.

Okusinziira ku byava mu bigezo bya PLE omwaka oguwedde, abayizi 16,535 be baabituula mu disitulikiti y'e Mukono okusinga ku b'omwaka 2024 abaali 16,450. Abayizi 2,658 baayitira mu ddaala lisooka, 8,538 mu ddaala lyakubiri, 2,719 mu lyakusatu ate 1,303 mu lyokuna. Abayizi 1,049 baagwa ate 268 beewandiisa naye tebaabikola.